# Maama ne batabani be bakwatiddwa lwa ttemu

Bya PHIONA NANYOMO

POLIISI e Bukomansimbi ekutte n'eggalira maama ne batabani be babiri ku ttemu eryakoleddwa ku ssemaka.

Mzeei Maurice Ddumba Kasibante (81), omutuuze ku kyalo Kyanabakibi mu Town Council y'e Bukomansimbi ye yalumbiddwa abatemu mu kiro ekyakeesezza ku Lwokuna ne bamutema ebijambiya ku mutwe ne mu nsingo ekyamuviiriddeko okufa.

Kigambibwa nti, Ddumba abatemu baamuzinduukirizza ava mu ttawuni e Bukomansimbi okugula nva ne bamutaayiriza mu kkubo okumpi n'amaka ge ne batandika okumutematema okutuuka bwe baamusse.

Kigambibwa nti, omugenzi abadde n'obutakkaanya ne mukyala we n'abamu ku baana nga buva ku nkaayana z'ebyobugagga ekyamuwaliriza okudduka mu maka gano agasangibwa ku kyalo Bukoba n'asenga e Kyanakibi yeetegule ekibabu.

Kigambibwa nti, omugenzi azze yeekubira enduulu eri abeebyokwerinda ng'alumiriza mukyala we n'abaana okwegezaamu okumutta.

Oluvannyuma lw'okutemulwa kwa Ddumba, abeebyokwerinda baakutte mukyala we, Justine Nakibuule ne batabani be (Vincent Kigongo Ddumba ne Williams Kyamufumba) ku bigambibwa nti, balina kye bamanyi ku nfa y'omugenzi.

Abamu ku baana b'omugenzi baategeezezza abakungubazi nti, nnyaabwe ne baganda baabwe abaakwatiddwa baludde nga batulugunya kitaabwe era ng'abatemu bazze bamwegezaamu enfunda eziwera.

Mwannyina w'omugenzi Teddy Nantume yagambye nti, mukulu we tabadde na mutawaana ne yeewuunya abaamusse kye baamulanze.



Nakibuule ne batabani be, Kigongo Ddumba ne Kyamufumba (ku ddyo) nga batuusibwa ku poliisi e Bukomansimbi. Mu katono ye, Muzeeyi Kasibante. Kozesa App ya Vision Digital Experience olabe vidiyo.

Abakulembeze e Bukomansimbi nga bakulembeddwaamu omuyambi wa RDC, Sulaiman Mutebi baavumiridde ekikolwa kino ne basaba abazadde okukomya okutiitiibya abaana.

Omwogezi wa poliisi mu kitundu ky'e Masaka, Twaha Kasirye akakasizza okukwatibwa kw'abasatu bano n'ategeeza ng'okunoonyereza bwe kukyagenda mu maaso.